## 43. God the Father

### Zabbuli 103

Zabbuli 103
1 Weebaze Mukama, ggwe emmeeme yange; Ne byonna ebiri munda yange, mwebaze erinnya lye ettukuvu.
2 Weebaze Mukama, ggwe emmeeme yange, So teweerabira birungi bye byonna:
3 Asonyiwa ebikolwa byo byonna ebitali bya butuukirivu; Awonya endwadde zo zonna;
4 Anunula obulamu bwo buleme okuzikirira; Akussaako engule ey'ekisa n'okusaasira okulungi:
5 Akkusa akamwa ko ebirungi; Obuvubuka bwo ne budda obuggya ng'empungu.
6 Mukama akola eby'obutuukirivu, Atuukiriza emisango ku lw'abo bonna abajoogebwa.
7 Yamanyisa Musa amakubo ge, N'ebikolwa bye eri abaana ba Isiraeri.
8 Mukama ajjudde okusaasira n'ekisa, Alwawo okusunguwala, alina okusonyiwa okungi.
9 Taanenyenga ennaku zonna; So taabenga na busungu mirembe gyonna.
10 Tatukoze ng'ebibi byaffe bwe biri, So tatusasudde ng'ebikolwa byaffe ebitali bya butuukiriw bwe biri.
11 Kuba eggulu nga bwe liri waggulu okusinga ensi, N'okusaasira kwe bwe kuli okungi bwe kutyo eri abo abamutya.
12 Ebuvanjuba n'ebugwanjuba bwe biri ewala, Bw'atyo bw'atutadde ewala ebyonoono byaffe:
13 Nga kitaabwe bw'asaasira abaana be, Ne Mukama bw'asaasira bw'atyo abamutya.
14 Kubanga amanyi omubiri gwaffe; Ajjukira nga ffe tuli nfuufu.
15 Omuntu, ennaku ze ziri ng'omuddo; Ng'ekimuli eky'omu nsiko, bw'ayera bw'atyo.
16 Kubanga empewo zikikuntako, ne kiba nga kigenze; N'ekifo kyakyo tekirikimanya nate.
17 Naye okusaasira kwa Mukama kwava mu mirembe gyonna era kulituuka mu mirembe gyonna eri abamutya, N'obutuukirivu bwe eri abaana b'abaana;
18 Eri abo abakwata endagaano ye, N'eri abo abajjukira ebiragiro bye okubikola.
19 Mukama yanyweza eatebe ye mu ggulu; N'obwakabaka bwe bufuga byonna.
20 Mumwebaze Mukama, mmwe bamalayika be: Mmwe abazira ab'amaanyi, abatuukiriza ekigambo kye, Nga muwulira eddoboozi ery'ekigambo kye.
21 Mumwebaze Mukama, mmwe mwenna eggye lye; Abaweereza be, abakola by'ayagala.
22 Mumwebaze Mukama, mmwe mwenna emirimu gye, Mu bifo byonna by'afugiramu: Weebaze Mukama, ggwe emmeeme yange.

## 44. Jesus the Son

### Matayo 17:1-13

Matayo 17
1 Ennaku omukaaga bwe zaayitawo Yesu n'atwala Peetero ne Yakobo ne Yokaana muganda we,
n'abalinnyisa ku lusozi oluwanvu bokka:  2 n'afuusibwa mu maaso gaabwe: amaaso ge ne gamasamasa
ng'enjuba, ebyambalo bye ne bitukula ng'omusana.  3 Laba, Musa ne Eriya ne babalabikira nga boogera
naye.

4 Peetero n'addamu n'agamba Yesu nti Mukama wange, kirungi ffe okubeera wano: bw'oyagala, nnaazimba wano ensiisira ssatu; emu yiyo, n'endala ya Musa, n'endala ya Eriya.

5 Bwe yali ng'akyayogera, laba, ekire ekimasamasa ne kibasiikiriza: laba, eddoboozi ne liva mu kire, nga ligamba nti Ono ye Mwana wange gwe njagala, gwe nsanyukira ennyo; mumuwulire.

6 Abayigirizwa bwe baaliwulira, ne bagwa nga beevuunise, ne batya nnyo.  7 Yesu n'ajja n'abakomako
n'agamba nti Muyimuke, temutya.  8 Ne bayimusa amaaso gaabwe, ne batalaba muntu, wabula Yesu yekka.

9 Bwe baali nga bakka ku lusozi, Yesu n'abalagira ng'agamba nti Temubuulirako muntu bye mwolesebbwa, okutuusa Omwana w'omuntu lw'alimala okuzuukira mu bafu.

10 Abayigirizwa be ne bamubuuza, ne bagamba nti Kale kiki ekigambya abawandiisi nti Eriya kimugwanidde okusooka okujja?

11 N'addamu n'agamba nti Eriya ajja ddala, alirongoosa byonna:  12 naye mbagamba nti Eriya amaze
okujja, nabo tebaamumanya, naye baamukola bwe baayagala. Bw'atyo n'Omwana w'omuntu
alibonyaabonyezebwa bo.  13 Awo abayigirizwa ne bategeera nti yayogera nabo ku Yokaana Omubatiza.

## 45. Holy Spirit

### Ebikolwa 2:1-21

Ebikolwa 2
1 Awo olunaku lwa Pentekoote bwe lwatuuka, bonna baali wamu mu kifo kimu.  2 Amangu ago
okuwuuma ne kuba mu ggulu ng'empewo ewuuma n'amaanyi, ne kujjuza ennyumba yonna mwe baali
batudde. 3 Ne kulabika ku bo ennimi ng'ez'omuliro nga zeeyawuddemu: buli lulimi ne lutuula ku muntu.  4
Bonna ne bajjula Omwoyo Omutukuvu, ne batanula okwogera ennimi endala, nga Omwoya bwe yabawa
okuzoogera.

5 Waaliwo mu Yerusaalemi Abayudaaya nga batudde, abantu abeegendereza, abaava mu buli ggwanga
ly'abantu wansi w'eggulu.  6 Okuwuuma okwo bwe kwabaawo, ekibiina ne kikuŋŋaana ne kisamaalirira,
kubanga baawulira buli muntu nga boogera mu lulimi lw'ewaabwe,  7 Ne bawuniikirira bonna, ne
brewuunya, nga boogera nti Laba, bano bonna aboogera si Bagaliraayai.  8 Era kiki ffe buli muntu
okuwulira olulimi lw'ewaffe gye twazaalibwa?  9 Abapaazi n'Abameedi, n'Abeeramiti, n'abali mu
Mesopoumiya, mu Buyudaaya ne Kapadokiya, mu Ponto ne mu Asiya,  10 mu Fulugiya ne mu Panfuliya,
mu Misiri ne mu nsi ez'e Libuwa eziriraanye Kuleene, n'Abaruumi abagenyi. Abayudaaya n'abakyufu,  11
Abakuleete n'Abawalabu, tuwulira bano nga boogera mu nnimi zaffe eby'ekitalo ebya Katonda.  12 Bonna
ne beewuunya ne babuusabuusa no bagambagana nti Amakulu gaakyo kiki kino?

13 Naye abalala no babasekerera ne bagamba nti Beumidde omwenge omusu.

14 Naye Peetero bwe yayimirin ne bali ekkumi n'omu, n'ayogeren waggulu n’abagamba nti Abasajja
Abayudaaya n'abatuula mu Yerusaalemi mwenna, mutegeere kina, mutegere amatu ebigambo byange.  15
Kubanga bano tebatamidde, nga mmwe bwe mulowooza; kubanga ye ssaawa ey'okusatu ey'emisana.  16
Naye bino bye byayogerwa nnabbi Yoweeri nti

17 Olulituuka mu nnaku ez'oluvannyuma, bw'ayogera Katonda, Ndifuka ku omwoyo gwange ku balina
omubiri bonna: Batabani tammwe ne bewala bammwe baliragula, N'abalenzi bammwe balinha
okwolesebwa, N'abakadde bammwe balirowa ebirooto:
18 Weewaawo, ne ku baddu bano n'abazaana bange mu nnaku ziri Ndibafukira ku Mwoyo gwange,
baliragula.
19 Ndireeta eby'ekitalo mu ggulu waggulu N'obubonero mu nsi wansi, Omusaayi n'omuliro n'okunyooka
kw'omukka.
20 Enjuba erifuuka ekizikiza, N'omwezi okuba omusaayi, Olunaku lwa Mukama Olukulu
olulitenderezebwa nga terunnaba kujja.
21 Olulituuka buli alisaba erinnya lya Mukama alirokoka.

## 46. Nature of Man

### Olubereberye 19:1-26

Olubereberye 19:1-26
1 Ne Bamalayika babiri ne batuuka e Sodomu akawungeezi; ne Lutti yali atudde mu mulyango ogw'e
Sodoma: Lutti n'abalaba, n'agolokoka okubasisinkana; n'avuunama amaaso ge  2 n'ayogera nti Laba nno,
bakama bange, mwekooloobye, mbegayiridde, mu nnyumba ey'omuddu wammwe, musule okukeesa
obudde, munaabe ebigere, mukeere enkya okugolokoka, mwegendere. Ne boogera nti Nedda; naye
tunaasula mu luguudo okukeesa obudde.

3 N'abawaliriza nnyo; ne beekooloobya~ ewuwe, ne bayingira mu nyumba ye; n'abafumbira embaga,
n'ayokya omugaati ogutazimbulukuswa, ne, balya.  4 Naye nga tebanneebaka,' abasajja ab'omu kibuga, ab'e
Sodoma, ne bazingiza ennyumba, abato era n'abakulu, abantu bonna nga bavudde mu bifo byonna:  5 ne
bayita Lutti, ne bamugamba nti Abasajja bali ludda wa abayingidde ewuwo ekiro kino? obafulumye gye
tuli, tubamanye.

6 Lutti n'afuluma gye bali mu mulyango, n'aggalawo oluggi ennyuma we. 7 N'ayogera nti Mbeegayiridde,
baganda bange, temukola bubi obwenkanidde wano. 8 Laba nno, nnina abaana abawala babiri,
abatamanyanga musajja; ka mbafulumye labo gye muli, mbeegayiridde, nammwe mubakole nga bwe kiri
ekirungi mu maaso gammwe: naye abasajja abo temubakola kigambo; kubanga batuuse wansi
w'ekisiikirize eky'akasolya kange.

9 Ne boogera nti Vaawo. Ne boogera nti Olusajja luno lwayingira okuba omugenyi, naye kirugwanira
okuba omulamuzi: kaakano tunakukola ggwe bubi okusinga abo. Ne bamunyigiriza nnyo omusajja, ye
Lutti, ne basembera okumenya oluggi.

10 Naye abasajja ne bagolola emikono, ne bayingiza Lutti mu nnyumba mwe baali, ne baggalawo oluggi.
11 Ne bazibya amaaso g'abasajja abaali ku luggi, abato era n'abakulu: n'okwekooya ne beekooya nga
banoonya oluggi.

12 Abasajja ne bagamba Lutti nti Olina nate wano abalala? mukoddomi wo, n'abaana bo, ab'obulenzi
n'ab'obuwala, ae bonna b'olina mu kibuga; bafulumye mu kifo muno: 13 kubanga tunaazikiriza ekifo kino,
kubanga okukaaba kwabwe kweyongedde nnyo mu maaso ga Mukama; era Mukama yatutumye
okukizikiriza.

14 Lutti n'afuluma n'ayogera ne bakoddomi be, abaawasa abawala be, n'agamba nti Mugolokoke, muve mu
kifo kino; kubanga Mukama anaazikiriza ekibuga. Naye yalinganga asaaga eri bakoddomi be.

15 Awo bwe bwakya enkya, bamalayika ne bamwanguyiriza Lutti, nga boogera nti Golokoka, otwale
mukazi wo, n'abaana bo abawala bombi abali wano: oleme okuzikirizibwa mu butali butuukirivu
obw'ekibuga.

16 Naye n'alwa; abasajja ne bamukwata ku mukono gwe, ne ku mukono gwa mukazi we, ne ku mukono
gw'abaana be abawala bombi; Mukama ng'atriusaasira: ne bamuggyamu, ne bamuleeta ebweru w'ekibuga.
17 Awo bwe baamala okubaggiramu ddala, n'ayogera nti Dduka oleme okufa; totunula nnyuma wo, so
tolwa mu lusenyi lwonna; ddukira ku lusozi, oleme okuzikirizibwa.

18 Lutti n'abagamba nti Nedda, mukama wange, nkwegayiridde:  19 laba nno, omuddu wo alabye ekisa mu
maaso go, era ogulumizizza okusaasira kwo, kw'ondaze ng'omponya nneme okufa; ne siyinza kuddukira ku
lusozi luno, akabi kaleme okuntuukako ne nfa: 20 laba nno, ekibuga ekyo kwe kumpi okukiddukiramu, era
kye kibuga ekitono: nkwegayiridde, nzirukire omwo, (si kitono?), n'obulamu bwange buliwona.

21 N'amugamba nti Era nkukkirizza ne mu kigambo ekyo, obutasuula kibuga ky'oyogeddeko. 22
Yanguwako, oddukire omwo; kubanga siyinza kukola kigambo, nga tonnatuuka omwo. Erinnya ly'ekibuga
kyeryava liyitibwa Zowaali.

23 Enjuba yali ng'emaze okuvaayo ku nsi Lutti bwe yatuuka mu Zowaali.  24 Mukama n'alyoka atonnyesa
ku Sodoma ne ku Ggomola omuliro n'ekibiriiti nga biva mu ggulu; 25 n'asuula ebibuga ebyo, n'olusenyi
lwonna, n'abo bonna abaatuulanga mu bibuga, n'ebyo ebyamera ku ttaka.  26 Naye mukazi we n'atunula
ennyuma we ng'amuvaako ennyuma, n'afuuka empagi ey'omunnyo.

## 47. Power of the Word

**Ebikolwa 8:26-40**

Ebikolwa 8

26 Naye malayika wa Mukama n'agamba Firipo ng'ayogera nti Golokoka, ogende obukiika obwa ddyo
okutuuka mu kkubo eriserengeta okuva mu Yerusaalemi okutuuka e Ggaaza: ekkubo eryo lya ddungu.  27
N'agolokoka n'agenda: kale, laba, omuntu Omuwesiyopya, omulaawe omukungu wa Kandake kabaka
omukazi ow'Abaesiyopya, eyali omuwanika w'ebintu bye byonna, yali azze e Yerusaalemi okusinza,  28
yali addayo n'atuula mu ggaali lye, n'asoma nnabi Isaaya.  29 Omwoyo n'agamba Firipo nti Sembera,
weegatte n'eggaali eryo.

30 N'addukana Firipo n'amuwulira ng'asoma nnabbi Isaaya, n'agamba nti Obitegmdde by'osoma?
31 N'agamba nti Nnyinza ntya, wabula nga waliwo anandagirira? Ne yeegayirira Firipo alinnye atuule
naye.

32 Mu kifo awaawandiikibwa we yali asoma we wagamba nti Yatwalibwa okuttibwa ng'endiga, Era
ng'omwana gw'endiga mu maaso g'omusazi w'ebyoya bwe gusirika, Bwekityoteyayasamya kamwa ke:
33 Mu kwetoowaza kwe omusango gwe gwaggibwawo: Ekika kye ani alikinnyonnyola? Kubanga obulamu
bwe buggibwa mu nsi.

34 Omulaawe n'addamu Firipo n'agamba nti Nkwegayiridde, nnabbi yayogera ku ani ebigambo bino?
Bibye yekka oba bya muntu mulala?  35 Firipo n'ayasama akamwa ke n'asookera ku kyawandiikibwa kino
n'amubuulira Yesu.

36 Awo bwel baali batambula mu kkubo ne batuuka awali amazzi; omulaawe n'agamba nti Laba, amazzi;
kiki ekindobera okubatizibwa?
37 [Firipo n'agamba nti Oba ng'okkirizza n'omutima gwo gwonna, kirungi. N'addamu n'agamba nti
Nzikkirizza Yesu Kristo nga ye Mwana wa Katonda.]
38 N'alagira eggaali okuyimirira: ne bakka bombi mu mazzi. Firipo n'omulaawe; n'amubatiza.
39 Bwe baava mu mazzi, Omwoyo gwa Mukama n'atwala Firipo, omulaawe n'atamulaba nate: kubanga
yagenda ng'asanyuka.
40 Naye Firipo yalabikira mu Azoto: bwe yayita n'abuulira mu bibuga byonna okutuuka e Kayisaliya.

## 48. Word as Law

**Lukka 18:18-27,  Okuva 20:1-17**

Lukka 18
18 N'omuntu omukulu omu n'amubuuza ng'agamba nti Omuyigiriza omulungi, nkole ki okusikira obulamu
obutaggwaawo?

19 Yesu n'amugamba nti Ompitira ki omulungi? tewali mulungi wabula omu, ye Katonda.  20 Amateeka
ogamanyi nti Toyendanga, Tottanga, Tobbanga, Towaayirizanga, Ossangamu ekitiibwa kitaawo ne nnyoko.

21 N'agamba nti Ebyo byonna nnabikwatanga okuva mu buto bwange.

22 Yesu bwe yawulira n'amugamba nti Okyaweebuuseeko kimu; tunda by'oli nabyo byonna, obigabire
abaavu, kale oliba n'obugagga mu ggulu: olyoke ojje ongoberere.

23 Naye bwe yawulira ebyo n'anakuwala nnyo; kubanga yali mugagga nnyo.  24 Awo Yesu bwe yamulaba
n'agamba nti Nga kizibu abalina obugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda!  25 Kubanga kyangu
eŋŋamira okuyita mu nnyindo y'empiso, okusinga omugagga okuyingira mu bwakabaka bwa Katonda.

26 Abaawulira ne bagamba nti Kale ani ayinza okulokoka?
27 Naye n'agamba nti Ebitayinzika eri abantu biyinzika eri Katonda.

Okuva 20
1 Katonda n'ayogera ebigambo bino byonna, ng'ayogera nti
2 Nze Mukama Katonda wo, eyakuggya mu nsi ey'e Misiri, mu nnyumba ey'obuddu.
3 Tobanga na bakatonda balala we ndi.

4 Teweekoleranga ekifaananyi ekyole, newakubadde ekifaananyi eky'ekintu kyonna kyonna, ekiri waggulu
mu ggulu, newakubadde ekiri wansi ku ttaka, newakubadde ekiri mu mazzi agali wansi w'ettaka:
5 tobivuunamiranga ebyo, so tobiweerezanga: kubanga nze Mukama Katonda wo ndi Katonda wa buggya,
abiwalana ku baana ebibi bya bajjajja baabwe okutuusa ku mirembe egy'oku bannakasatwe ne ku
bannakana, egy'abantu abankyawa;
6 era addiramu abantu nga nkumi na nkumi abanjagala, abakwata amateeka gange:
7 Tolayiriranga bwereere erinnya lya Mukama Katonda wo: kubanga mu maaso ga Mukama omusango
gulimusinga omuntu alayirira obwereere erinnya lye.
8 Jjukira olunaku olwa ssabbiiti, okulutukuzanga. 9 Ennaku omukaaga okolanga emirimu gyo gyonna: 10
naye olunaku olw'omusanvu ye ssabbiiti eri Mukama Katonda wo: olunaku olwo tolukolerangamu mirimu
gyonna gyonna; so naawe wekka, newakubadde omwana wo omulenzi, newakubadde muwala wo,
newakubadde omuddu wo, newakubadde omuzaana wo, newakubadde ebisolo byo, newakubadde
munnaggwanga ali omumwo: 11 kubanga mu nnaku omukaaga Mukama mwe yakolera eggulu n'ensi,
ennyanja, n'ebintu byonna ebirimu, n'awummulira ku lunaku olw'omusanvu: Mukama kyeyava aluwa
omukisa olunaku olwa ssabbiiti, n'alutukuza.
12 Kitaawo ne nnyoko obassangamu ekitiibwa: enaku zo zibe nnyingi ku nsi gy'akuwadde Mukama
Katonda wo.
13 Tottanga.
14 Toyendanga.
15 Tobbanga.
16 Towaayirizanga muntu munno:
17 Teweegombanga ennyumba ya muntu munno, teweegombanga mukazi wa muntu munno, newakubadde
omuddu we, newakubadde omuzaana we, newakubadde ente ye, newakubadde endogoyi ye, newakubadde
buli kintu ekya muntu munno.

## 49. Word as Gospel

### Yokaana 3:1-21

Yokaana 3
1 Awo waaliwo omuntu ow'omu Bafalisaayo, erinnya lye Nikoodemo, mwami mu Bayudaaya: 2 oyo n'ajja
gy'ali ekiro, n'amugamba nti Labbi, tumanyi nti oli muyigiriza eyava eri Katonda: kubanga tewali muntu
ayinza okukola obubonero buno bw'okola ggwe, wabula Katonda ng'ali naye. 3 Yesu n'addamu
n'amugamba nti Ddala ddala nkugamba nti Omuntu bw'atazaalibwa mulundi gwa kubiri tayinza kulaba
bwakabaka bwa Katonda. 4 Nikoodemo n'amugamba nti Omuntu ayinza atya okuzaalibwa bw'aba nga
mukadde? ayinza okuyingira mu lubuto lwa nnyina omulundi ogw'okubiri, n'azaalibwa?

5 Yesu n'addamu nti Ddala ddala nkugamba nti omuntu bw'atazaalibwa mazzi na Mwoyo, tayinza
kuyingira mu bwakabaka bwa Katonda. 6 Ekizaalibwa omubiri kiba mubiri; n'ekizaalibwa Omwoyo kiba
mwoyo. 7 Teweewuunya kubanga nkugambye nti Kibagwanira okuzaalibwa omulundi ogw'okubiri. 8
Empewo ekuntira gy'eyagala, n'owulira okuwuuma kw'ayo, naye tomanyi gy'eva, newakubadde gy'egenda:
bw'atyo bw'abeera buli muntu yenna azaalibwa Omwoyo.

9 Nikoodemo n'addamu n'amugamba nti Ebyo biyinza bitya okubaawo? 10 Yesu n'addamu n'amugamba nti
Ggwe omuyigiriza wa Isiraeri, n'ototegeera ebyo? 11 Ddala ddala nkugamba nti Twogera kye tumanyi,
tutegeeza kye twalaba; so temukkiriza kutegeeza kwaffe. 12 Bwe mbabuulidde eby'ensi, ne mutakkiriza,
mulikkiriza mutya bwe nnaababuulira eby'omu ggulu? 13 Tewali muntu eyali alinnye mu ggulu, wabula
eyava mu ggulu, ye Mwana w'omuntu ali mu ggulu. 14 Nga Musa bwe yawanika omusota mu ddungu,
bwe kityo n'Omwana w'omuntu kimugwanira okuwanikibwa: 15 buli muntu yenna amukkiriza abeere
n'obulamu obutaggwaawo mu ye.

16 Kubanga Katonda bwe yayagala, ensi bw'ati, n'okuwaayo n'awaayo Omwana we eyazaalibwa omu
yekka buli muntu yenna amukkiriza aleme.okubula, naye abeere n'obulamu obutaggwaawo. 17 Kubanga
Katonda. teyatuma Mwana we mu nsi, okusalira ensi omusango; naye ensi erokokere ku ye. 18
Amukkiriza tegumusinga: atamukkiriza gumaze okumusinga, kubanga takkirizza linnya lya Mwana
eyazaalibwa omu yekka owa Katonda. 19 Guno gwe musango kubanga omusana guzze mu nsi, abantu ne

baagala enzikiza okukira omusana; kubanga ebikolwa byabwe byali bibi. 20 Kubanga buli muntu yenna
akola ebitasaana akyawa omusana, so tajja eri omusana, ebikolwa bye bireme okunenyezebwa. 21 Naye
akola amazima ajja eri omusana ebikolwa bye birabike nga byakolerwa mu Katonda.

## 50. Salvation

### Ebikolwa 16:23-34

Ebikolwa 16
23 Bwe baababakuba emiggo emingi ne babasindikira mu kkomera, ne balagira omukuumi okubakuuma
ennyo: 24 oyo bwe yalagirwa bw'atyo n'abasindiikiriza mu kkomera ery'omunda, n'akomerera ebigere
byabwe mu nvuba.

25 Naye ekiro mu ttumbi Pawulo ne Siira ne basaba ne bayimbira Katonda, abasibe ne babawulira; 26
amangu ago ne wabaawo ekikankano kinene n'emisingi gy'ekkomera ne gikankana: amangu ago enzigi
zonna ne zigguka; n'ebyali bibasibye bonna ne bisumulukuka. 27 Omukuumi w'ekkomera n'azuukuka, bwe
yalaba enzigi z'ekkomera nga zigguse n'asowola ekitala kye n'agenda okwetta, kubanga ng'alowooza nti
abasibe babombye. 28 Naye Pawulo n'ayogerera waggulu n'eddoboozi ddene ng'agamba nti Teweekola
kabi: kubanga fenna tuli wano.

29 N'asaba ettabaaza n'addukana n'ayingira, n'avuunamira Pawulo ne Siira, ng'akankana, 30 N'asaba
ettabaaza n'addukana n'ayingira, n'avuunamira Pawulo ne Siira, ng'akankana,

31 Ne bagamba nti Kkiriza Mukama waffe Yesu, onoolokoka ggwe n'ennyumba yo. 32 Ne bamubuulira
ekigambo kya Mukama waffe ne bonna abaali mu nnyumba ye. 33 Nabatwala mu kiseera ekyo ekiro
n'abanaaza emiggo; n'abatizibwa ye n'ennyumba ye yonna amangu ago. 34 N'abalintayisa mu nnyumba ye,
n'abaleetera emmeeza, n'asanyuka nnyo n'ennyumba ye yonna ng'akkirizza Katonda.

## 51. Baptism

### Ebikolwa 2:22-41

Ebikolwa 2
22 Abasajja Abaisiraeri, muwulire bigambo bino. Yesu Omunazaaleesi, omuntu eyabalagibwa Katonda mu
bigambo eby'amaanyi n'eby'anagero n'obubonero, Katonda bye yamukozanga wakati mu mmwe, nga
mmwe bwe mumanyi; 23 oyo bwe yaweebwayo nga Katonda bwe yasooka okuteesa n'okumanya,
mwanutwala ne mumukomerera n'emiuno gy'abantu ababi, ne mumutta. 24 Naye oyo Katonda
yamuzuukiza, we yasumulula okulumwa kw'okufa: kubanga tekwayinza kumunyweza. 25 Kubanga
Dawudi mwogerako nti

> Nnalaba Mukama ennaku zonna mu maaso gange,
> Kubanga ali ku mukono gwange ogwa ddyo,
> nneme okusagaasagana.
> 26 Omutima gwange kyegwava gwesiima,
> olulimi lwange ne lusanyuka;
> Era n'omubiri gwange gunaabeeranga mu ssuubi:
> 27 Kubanga tolindeka bulamu bwange mu,
> Magombe, So toliwaayo Mutukuvu wo kuvunda.
> 28 Wanjigiriza amakubo g'obulamu;
> Olinjijuza essanyu n'amaaso go.

29 Abasajja ab'oluganda, nnyinza kwogerera n'obuvumu mu maaso gammwe ebya jjajjaffe omukulu
Dawudi nti yafa n'aziikibwa, n'amalaalo ge gali waffe ne kaakano. 30 Kale, bwe yali nnabi, bwe yamanya
nga Katonda yamulayirira ekirayiro, nti mu bazzukulu b'omu ntumbwe ze alituuzaako omuntu ku ntebe ye;
31 bwe yalaba lubereberye, n'ayogera ku kuzuukira kwa Kristo nga teyalekebwa mu Magombe so nga
n'omubiri gwe tegwavunda. 32 Yesu oyo Katonda yamuzuukiza, fenna ffe bajulirwa. 33 Awo bwe
yalinnyisibwa ku mukono ogwa ddyo ogwa Katonda, n'aweebwa okusuubiza kw'Omwoyo Omutukuvu eri
Kitaawe, afuse kino kye mulabye kaakano kye muwulidde. 34 Kubanga Dawudi teyalinnya mu ggulu,
naye yayogera yennyini nti

Mukama yagamba Mukama wange nti Tuula ku mukono gwange ogwa ddyo,
35 Okutuusa lwe nditeeka abalabe bo okuba entebe y'ebigere byo.
36 Kale mazima bamanye ennyumba yonna eya Isiraeri nti Katonda yamufuula Mukama era Kristo, Yesu oyo gwe mwakomerera.
37 Awo bwe baawulira ebyo emitima gyabwe ne gibaluma, ne bagamba Peetero n'abatume abalala nti Abasajja ab'oluganda, tunaakola tutya?
38 Peetero n'abagamba nti Mwenenye, mubatizibwe buli muntu mu mmwe okuyingira mu linnya lya Yesu
Kristo okuggibwako ebibi byamalwe, munaaweebwa ekirabo gwe Mwoyo Omutukuvu. 39 Kubanga
okusuubizibwa kwammwe era kwa baana bammwe n'abo bonna labali ewala, bonna abaliyitibwa Mukama
Katonda waffe. 40 Era n'abategeeza mu bigambo ebirala bingi n'ababuulirira ng'agamba nti Mulokolebwe
mu mirembe gino egyakyama. 41 Awo abakkiriza ekigambo kye ne babatizibwa: ne bongerwako ku
hlnaku luli abantu ng'enkumi ssatu.

## 52. Lord’s Supper

### 1 Abakkolinso 11:20-30

1 Abakkolinso 11
20 Kale bwe mukuŋŋaanira awamu, tekiyinzika kulya mmere ya Mukama waffe: 21 kubanga mu kulya
kwammwe buli muntu asooka munne okutoola emmere ye yekka; n'omulala alumwa enjala, n'omulala
atamiira. 22 Kiki ekyo? temulina nnyumba za kuliirangamu n'okunywerangamu? oba munyooma ekkanisa ya Katonda, ne muswaza abatalina nnyumba? Nnaabagamba ntya? nnaabatendereza olw'ekyo? Ssibatendereza.

23 Kubanga nze nnaweebwa eri Mukama waffe era ekyo kye nnabawa mmwe, nga Mukama waffe Yesu
mu kiro kiri kye yaliirwamu olukwe yatoola omugaati; 24 ne yeebaza, n’agumenyamu, n’ayogera nti Guno
gwe mubiri gwange oguli ku lwammwe: mukolenga bwe mutyo olw’okunjijukiranga nze.25 Era
n’ekikompe bw’atyo bwe baamala okulya, ng’ayogera nti Ekikompe kino ye ndagaano empya mu musaayi
gwange: mukolenga bwe mutyo buli lwe munaanywangako, olw’okunjijukiranga nze.26 Kubanga buli lwe
munaalyanga ku mugaati guno ne lwe munaanywanga ku kikompe, munaayolesanga okufa kwa Mukama waffe okutuusa lw'alijja.

27 Kyanaavanga azza omusango ogw'omubiri n'omusaayi gwa Mukama waffe buli anaalyanga ku mugaati
aba anaanywanga ku kikompe kya Mukama waffe nga tasaanidde. 28 Naye omuntu yeekeberenga yekka
alyoke alyenga ku mugaati bw'atyo, era anywenga ne ku kikompe. 29 Kubanga alya era anywa, alya era
anywa musango gwe ye, bw'atayawula mubiri. 30 Mu mmwe kyemuvudde mubeeramu abangi abanafu n'abalwadde, era bangiko abeebaka:

## 53. Ascension and The Second Coming

### Ebikolwa 1:3-12 & Matayo 24:27-44

Ebikolwa 1
3 Bwe yamala okubonyaabonyezebwa ne yeeraga mu bo nga mulamu, mu bubonero bungi, ng'abalabikira
ebbanga ly'ennaku amakumi ana, ng'ayogera eby'obwakabaka bwa Katonda. 4 Awo bwe yakuŋŋaana nabo
n'abalagira baleme okuva mu Yerusaalemi, naye balindirire okusuubiza kwa Kitaawe kwe baawulira gy'ali:
5 kubanga Yokaana yabatiza n'amazzi; naye mmwe mulibatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu mu nnaku si nnyingi.

6 Awo bwe baakuŋŋaana ne bamubuuza nga bagamba nti Mukama waffe, mu biro bino mw'onookomezaawo obwakabaka eri Isiraeri?
7 N'abagamba nti Si kwammwe okumanya entuuko newakubadde ebiro, Kitaffe bye yateeka mu buyinza
bwe ye. 8 Naye muliweebwa amaanyi, Omwoyo Omutukuvu bw'alimala okujja ku mmwe, natnmwe munaabanga bajulirwa bange mu Yerusaalemi ne mu Buyudaaya bwonna ne mu Samaliya, n'okutuusa ku nkomerero y'ensi.

9 Bwe yamala okwogera ebyo, nga batunuulira, n'asitulibwa, ekire ne kimutoola okumuggya mu maaso gaabwe.
10 Bwe baali beekaliriza amaaso mu ggulu bw'agenda, laba, abantu babiri ne bayimirira kumpi nabo nga bambadde engoye ezitukula;  11 abaayogera nti Abantu b’e Ggaliraaya kiki ekibayimiriza nga mutunuulira mu ggulu? Oyo Yesu abaggiddwako okutwalibwa mu ggulu alijja bw'atyo nga bwe mumulabye ng'agenda mu ggulu.
12 Ne bakomawo e Yerusaalemi okuva ku lusozi oluyitibwa olwa Zeyituuni, oluli okumpi ne Yerusaalemi ng'olugendo olw'oku ssabbiiti.

Matayo 24
27 Kubanga ng'okumyansa bwe kuva ebuvanjuba, ne kulabikira ebugwanjuba; bwe kutyo bwe kuliba okujja kw'Omwana w'omuntu.  28 Awaba omulambo wonna, awo ensega we zikuŋŋaanira.

29 Naye amangu ago, oluvannyuma lw'ekibonyoobonyo eky'omu nnaku ezo enjuba erifuuka ekizikiza, n'omwezi tegulyolesa musana gwagwo, n'emrsiunyeenye zirigwa okuva mu ggulu, n'amaanyi ag'omu ggulu my''eenyezebwa:

30 awo lwe kalirabika akabonero ak'Omwana w'omuntu mu ggulu: n'ebika byonna eby'ensi lwe birikuba ebiwoobe, biriraba Omwana w'omuntu ng'ajja ku bire eby'eggulu n'amaanyi n'ekitiibwa ekinene.  31 Era alituma bamalayika be n'eddoboozi ddene ery'ekkondeere, nabo balikuŋŋaanya abalonde be mu mpewo ennya, okuva ku nkomerero y'eggulu n'okutuusa ku nkomerero yaalyo.

32 Era muyigire ku mutiini olugero lwagwo: ettabi lyagwo bwe ligejja, amalagala ne gatojjera, mutegeera ng'omwaka guli kumpi;  33 bwe mutyo nammwe, bwe mulaba ebigambo ebyo byonna, mutegeere nti ali kumpi, ku luggi.  34 Mazima mbagamba, nti Emirembe gino tegiriggwaawo, okutuusa ebyo hvnnna lwe birikolebwa.  35 Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye ebigambo byange, tebiriggweerawo ddala.

36 Naye eby'olunaku luli n ekiseera tewali abimanyi, newakubadde bamalayika ab'omu ggulu, newakubadde Omwana, wabula Kitange yekka.  37 Naye ng'ennaku za Nuuwa bwe zaali, bwe kutyo bwe kuliba okujja kw'Omwana w'omuntu.  38 Kuba nga bwe baali ku nnaku ezo ezaasooka amataba nga balya nga banywa, nga bawasa nga bawayiza, okutuuka ku lunaku Nuuwa lwe yayingira mu lyato,  39 ne batamanya okutuusa amataba lwe gajja, ne gabatwala bonna; bwe kutyo bwe kuliba okujja kw'Omwana w'omuntu.  40 Mu biro ebyo abasajja babiri baliba mu kyalo; omu alitwalibwa, n'omulala alirekebwa:  41 abakazi babiri baliba nga basa ku lubengo; omu alitwalibwa, n'omulala alirekebwa.

42 Kale mutunule; kubanga temumanyi lunaku bwe luli Mukama wammwe lw'ajjirako.  43 Naye kino mukitegeere nti Alina enju ye singa yamanya ekisisimuka bwe kiri omubbi ky'anajjiramu, yanditunudde, teyandirese nnyumba ye kusimibwa.  44 Mukale nammwe mweteeketeeke: kubanga mu kiseera kye mutalowoolezaamu Omwana w'omuntu ky'ajjiramu.

## 54. Judgment

### Lukka 16:19-31

Lukka 16
19 Awo waaliwo omuntu omugagga eyayambalanga olugoye olw'effulungu ne bafuta ennungi, ng'asanyukanga bulijjo mu kwesiima:  20 era waaliwo n'omwavu erinnya lye Laazaalo eyagalamizibwanga ku mulyango gwe, eyali awummusewummuse amabwa,  21 nga yeegomba okukkuta ebyagwanga okuva ku mmeeza y'omugagga; era embwa nazo zajjanga ne zimukombereranga amabwa ge.

22 Awo olwatuuka omwavu n'afa, n'asitulibwa bamalayika nassibwa mu kifuba kya Ibulayimu. N'omugagga n'afa, n'aziikibwa.  23 N'ayimusiza amaaso ge mu Magombe ng'ali mu kulumizibwa, n'alengera Ibulayimu wala, ne Laazaalo ng'ali mu kifuba kye.  24 N'ayogerera waggulu n'agamba nti Kitange Ibulayimu, nsaasira, otume Laazaalo, annyike ensonda y'olunwe lwe mu mazzi, ampozeewoze olulimi lwange; kubanga nnumwa mu muliro guno.

25 Naye Ibulayimu n'amugamba nti Mwana wange, jjukira nga waweebwanga ebirungi byo mu bulamu
bwo, era ne Laazaalo bw'atyo ebibi; naye kaakano ye asanyusibwa, ggwe olumwa.  26 Era ku ebyo byonna,
wakati waffe nammwe waliwo olukonko oluwanvu olwateekebwawo, abaagala okuva eno ohujja gye muli
balemenga okuyinza, era balemenga okuva eyo okuyitawo okujja gye tuli.

27 N'agamba nti Kale, nkwegayiridde, kitange, omutume mu nnyumba ya kitange;

28 kubanga nnina ab'oluganda bataano; abategeeze baleme okujja nabo mu kifo kino ekirimu okulumwa.

29 Naye Ibulayimu n'agamba nti Balina Musa ne bannabbi; babawulirenga abo.

30 N'agamba nti Nedda, kitange Ibulayimu; naye omu ku bafu bw'aligenda gye bali balyenenya.

31 N'amugamba nti Nga bwe batawulira Musa ne bannabbi, era newakubadde omu ku bafu bw'alizuukira,
talibakkirizisa.

## 55. Angels

### Ebikolwa 12:1-19

Ebikolwa 12
1 Mu biro ebyo kabaka Kerode n'agolola emikono okukola obubi abamu ab'omu kkanisa.  2 N'atta n'ekitala
Yakobo muganda wa Yokaana.  3 Awo bwe yalaba nga Abayudaaya bakisiimye, ne yeeyongera okukwata
ne Peetero. Ze nnaku ez'emigaati egitazimbulukuswa.  4 Bwe yamala okumukwata, n'amussa mu kkomera,
n'amuwaayo eri basserikale kkumi na mukaaga okumukuuma kinnabana, ng'ayagala okumutwala mu
maaso g'abantu Okuyitako nga kuwedde.

5 Awo Peetero n'akuumirwa mu kkomera: naye ab'ekkanisa ne banyiikiranga okumusabira eri Katonda.

6 Ku lunaku Kerode Iwe yali ayagala okumutwalayo, mu kiro ekyo Peetero yali nga yeebase wakati
w'abaserikale babiri, ng'asibiddwa n'enjegere bbiri, abakuumi bash ku luggi nga bakuuma ekkomera.  7
Laba, malayika wa Mukama n'ayimirira w'ali, okutangaala ne kujjula ekisenge, n'akuba Peetero mu mbiriizi
n'amuzuukusa ng'agamba nti Yimuka mangu. Enjeigere ne ziva ku mikono ne zigwa.

8 Malayika n'amugamba nti Weesibe, oyambale engatto zo. N'akola Ibw'atyo. N'amugamba nti Yambala
ekyambalo kyo, ongoberere.  9 N'afuluma, n'amugoberera; so teyamanya nga bya mazima malayika
by'akoze, naye yalowooza nti alabye kwolesebwa.  10 Bwe baayita ku bakuumi abaasookerwako
n'ab'okubiri ne batuuka ku luggi olw'ekyuma oluyitibwako okutuuka mu kibuga: ne lubaggukirawo lwokka:
ne bafuluma ne bayita mu kkubo limu; amangu ago malayika n'amuleka. Peetero bwe yeddamu n'agamba
nti Kaakano ntegedde mazima nga Mukama waffe atumye malayika n'anziya mu mukono gwa Kerode ne
mu kusuubira kwonna okw'eggwanga ly'Abayudaaya.

11 Peetero bwe yeddamu n'agamba nti Kaakano ntegedde mazima nga Mukama waffe atumye malayika
n'anziya mu mukono gwa Kerode ne mu kusuubira kwonna okw'eggwanga ly'Abayudaaya.

12 Bwe yalowooza n'ajja mu nnyumba ya Malyamu eyali nnyina Yokaana erinnya lye ery'okubiri Makko,
mwe baali bakuŋŋaanidde abangi nga basaba. 13 Peetero bwe yakonkona ku luggi olw'omu mulyango
omuzaana n'ajja okuyitaba, erinnya lye Looda.  14 Bwe yategeera eddoboozi lya Peetero n'ataggulawo
luggi olw'essanyu, naye n'ayingira mbiro n'agamba nti Peetero ayimiridde ebweru ku luggi.

15 Ne bamugamha nti Olaluse. Naye n'akaliriza nti Weewaawo. Ne bagamba nti Ye malayika we.

16 Naye Peetero ne yeeyongera okukonkona: awo bwe baggulawo ne bamulaba ne basamaalirira.
17 Naye bwe yabawenya n'omukono okusirika, n'ababuulira Mukama waffe bw'amuggye mu kkomera.
N'agamba nti Mubuulire ebyo Yakobo n'ab'oluganda. N'avaayo n'agenda mu kifo awalala.

18 Awo bwe bwakya enkya, basserikale ne beegugumula nnyo nti Peetero nno abadde ki?  19 Kerode bwe yamunoonya n'atamulaba n'abuuliriza abakuumi n'alagira okubatta. N'ava mu Buyudaaya okugenda e Kayisaliya n'atuula eyo.

## 56. Satan

### Yobu 1:1-22

Yobu 1
1 Waaliwo omusajja mu nsi Uzzi, erinnya lye Yobu; era omusajja oyo yatuukirira era nga wa mazima, era
ng'atya Katonda ne yeewalanga obubi.  2 N'azaalirwa abaana ab'obulenzi musanvu n'ab'obuwala basatu. 3
Era ebintu bye byali endiga kasanvu n'eŋŋamira enkumi ssatu n'emigogo gy'ente ebikumi bitaano
n'endogoyi enkazi ebikumi bitaano n'abaddu bangi nnyo nnyini; omusajja oyo n'aba mukulu okusinga
abaana bonna ab'ebuvanjuba.

4 Batabani be ne bagendanga ne bafumba embaga mu nnyumlia ya buli muntu ku lunaku lwe; ne
batumanga ne bayitanga bannyinaabwe abasatu okulya n'okunywa nabo.  5 Awo olwatuuka ennaku
z'embaga yaabwe bwe zaayitawo, Yobu n'atumanga n'abatukuzanga n'agolokokanga enkya mu makya,
n'awangayo ebiweebwayo ebyokebwa ng'omuwendo gwabwe bonsabwe gwali: kubanga Yobu yayogera nti
Mpozzi batabani bange boonoonye, ne beegaana Katonda mu mitima gyabwe. Bw'atyo Yobu bwe
yakolanga olutata.

6 Awo olunaku lwali lumu abaana ba Katonda ne bajja okukiika mu maaso ga Mukama, ne Setaani naye
n'ajjira mu bo.
7 Mukama n'agamba Setaani nti Ova wa? Awo, Setaani n'addamu Mukama n'ayogera nti Nva kuddiŋŋana
mu nsi n'okutambulatambula omwo eruuyi n'eruuyi.

8 Mukama n’agamba Setaani nti Olowoozezza ku muddu wange Yobu? kubanga tewali amufaanana mu
nsi, omusajja eyatuukirira era ow'amazima, atya Katonda ne yeewala obubi:

9 Awo Setaani n'addamu Mukama n'ayogera nti Yobu atiira bwereere Katonda?  10 Tomukomedde
lukomera okumwetooloola ye n'ennyumba ye ne byonna by'alina, enjuyi zonna? owadde omukisa omulimu
gw'engalo ze, n'ebintu bye byaze mu nsi:  11 Naye kaakano golola omukono gwo okome ku byonna
by'alina, kale alikwegasnira mu maaso go.

12 Mukama n'agamba Setaani nti Laba, byonna by'alina biri mu mukono gwo; kyokka ku ye yenayini
togolola mukono gwo, Awo Setaani n'ava awali Mukama.

13 Awo olunaku lwali lumu batabani be ne bawala be bwe, baali nga baliira: era nga banywera omwenge
mu nnyumba ya muganda waabwe omukulu,  14 omubaka n'ajja, eri Yobu n'ayogera nti Ente zibadde nga
zirima, n'endogoyi nga ziziriraanye nga zirya;  15 Abaseba ne bazigwako ne bazitwala; weewaawo, basse
abaddu n'obwogi bw'ekitala; nange nzekka nze mponyeewo omuntu omu okukubuulira.

16 Yali ng'akyayogera, omulala n'ajja naye n'ayogera nti omuliro gwa Katonda guguddе nga guva mu
ggulu, era gwokezza endiga n'abaddu ne gubazikiriza; nange nzekka nze mponyeewo omuntu omu
okukubuulira.
17 Yali ng'akyayogera, omulala n'ajja naye n'ayogera nti Abakaludaaya beefudde ebibiina bisatu, ne bagwa
ku ŋŋamira, era bazitutte, weewaawo, era basse abaddu n'obwogi bw'ekitala; nange nzekka nze mponyeewo
omuntu omu okukubuulira:

18 Yali ng'akyayogera, omulala n'ajja naye n'ayogera nti Batabani bo ne bawala, bo baali nga baliira era
nga banywera omwenge mu nnyumba ya muganda waabwe omukulu:  19 kale, laba, embuyaga nnyingi ne
zijja nga ziva mu ddungu, ne zikuba ensonda ennya ez'ennyumba, n'egwa ku balenzi, era bafudde; nange
nzekka nze mponyeewo omuntu omu okukubuulira:

20 Awo Yobu n'agolokoka n'ayuza omunagiro gwe n'amwa omutwe n'awunama ku ttaka n'asinza;

21 n'ayogera nti
Nava mu lubuto lwa mmange nga ndi mwereere,
era ndiddayo nga ndi mwereere:
Mukama ye yawa, era Mukama ye aggyawo;
erinnya lya Mukama lyebazibwe.
22 Mu ebyo byonna Yobu teyayonoonanga, so teyavuma Katonda busirusiru.